**S.4 LUG PAPER ONE**

**OKUWANDIIKA OBUJULIZI (SITATIMENTI)**

Obujjulizi bwe bubaka obuweebwa omuntu ku ebyo byaba yalaba nga bigwawo/bibeerawo. Omuntu bwaba awandiika obujjulizi awandiika ebyo byokka bye yalabaera tateekamu kutebereza.

**Ebikulu ebigobererwa**

- Omutwe okugeza obujjilizi ku kugya kw'essomero
- Amannya go n'emyaka
- Ekifo mwobeera
- Ekiti mw'ogwa okugeza mufumbo, si mufumbo, muyizi, musomesa
- Nyonnyola mu bujjuvu ebyabaddewo
- Ekifo n'essaawa mwe kyabereddewo
- Abantu ababadde be nyigiddemu
- Ensoga eziyinza okuba nga zaviriddeko ekyo kyowerako obujjulizi
- Abaabaddewo kye bakoze
- Bwekaba kabenje laga abakoseddwa ne kye bakoleddwa
- Ebyaddiridde
- Omukono gwo (signature)
- Amannya go
- Ennaku z'omwezi

**EKYOKULABIRAKO**

**OBUJJULIZI BWANGE KU KUTTIBWA MUKYALA MAGALA**

Nze Nalule Rose (36) nga mbeera Katwe ndi mufumbo era nga nina abaana babiri era nga nkolera mu katale ewa Kisekka mpa obujjulizi bwange ku kuttibwa kwa mukyala Magala era nga bye ŋŋenda okwogera mazima mereere bino bye nalabye.

Akawungeezi k'eggulo be navudde ku mulimu nayitiddeko ewa mukyala Magala okumubuuzaako n'okulaba ensonga lwaki teyaze ku mulimu yanyumirizaako engeri gye yabadde omugonvu nti era yabadde afunye obubaka obutiisa ku ssimu ye obwabadde bumusuubiza okumumiza omusu olw'okulemera mu kibanja ekyo.

Gye buvuddeko mukyala Magala yali yafuna obutakaanya n'abeŋŋanda ze ku kibanja ekyo era n'ensonga ne zitwalibwa mu b'obuyinza. Bwe navuddeyo namulese mubootteevu wabula ekiro ku ssaawa nga mukaaga nawulidde akanyolagano ewuwe era bwe nagenze okuwenjula olutimbe ningize mu ddirisa nalengedde abasajja basatu nga badduka nga bakute ebintu mu ngalo byesategedde kubanda ekitangaala ky'omwezi kyabadde kizimeera wabula byafaananye emiggo.

Oluvanyuma nawuliddde enduulu ezaleese abantu era twagenze okutuuka nga mukyala Magala bamutemye ebiso ku mutweera yaddusiddwa mu ddwaliro e Mulago gye yafiiridde ebyo bye nnalabye.

……………….omukono gwo
NALULE ROSE
29/03/2020

**OKUKOLA ENDAGAANO ETUNDA**
Ebimu ku bintu ebikulu bye tulina okufaako nga tutunda oba okugula ebintu eby'enjawulo naddala ebintu ebikalu kwe kukola endagaano eraga nti ekintu kyo okiguze oba okitunze era bino by'ebikulu ebigobererwa nga tukola endagaano;

- Ennaku z'omwezi
- Omutwe okugeza endagaano etunda emmotoka
- Amannya g'omuntu atunda ne gyabeera
- Lambulula/nyonnyola ekintu ky'otunda ng'olaga
  -ekika kyakyo, enfaanana yaakyo n'ekikula
- Embeera gye kirimu
- Ssente z'okitunze
- Bakuwaddeko mmeka ne zibulayo
- Ezisigaddeyo ogenda kuzifuna ddi?
- Laga ababaddewo amannny agaabwe n'emokono gyabwe (signature)
- Aguze naye asaako omukono n'erinnya lye
- Omukono gw'atunze awamu n'amannya ge

**EKYOKULABIRAKO**

29/03/2020
**<u>ENDAGAANO ETUNDA ESSIMU</u>**
Nze Nayiga Teddy ow'e Lubaga Kosovo olwaleero nga 29/03/2020 nguziza Nalule Ronah essimu eya Nokia 3272 nga nnamu bulungi. Ngimuguziza emitwalo kkumi (100,000) era asasuddeko emitwalo munaana (80,000) ne wasigalayo emitwalo ebbiri (20,000) era nga gino wakugisasula obutasukka ennaku z'omwezi 09/04/2020.

Ababaddewo
Kirumira Tonny
Ekinkumu/signature

Namuli Joyce
Ekinkumu

Nalule Ronah…… (Aguze)
Ekinkumu

Nayiga Teddy (Atunze)
Ekinkumu

**OKUWANDIIKA EKIRAAMO**

Ekiraamo kye kiwandiiko ekiwandiikibwa omuntu ng'alaga ebintu bye by'alina awamu n'engabana yaabyo n'engeri gye binaddukanyizibwamu singa aba avuddde mu bulamu bwensi eno.

Ekiraamo bwe kiba tekimenya mateeka kissibwamu ekitiibwa ne kituukirizibwa nga bwekiri.

**Ebikulu ebigobererwa**

- Ennaku z'omwezi
- Omutwe okugeza ekiraamo, ekiraamo kya ……
- Weeyanjule byonna ebikukwatako okugeza amannya, emyaka gyo, abakuzaala, ekika kyo, gy'obeera, okuba nga oli mufumbo oba si mufumbo.
- Laga embeera gy'olimu w'owandiikidde ekiraamo oba oli mulwadde oba mulamu.
- Laga mu kiwandiiko kyo nti obadde otegeeera bulungi era tewali akukase kuwandiika.
- Laga abakyala b'olina bwoba oli mwami, amannya gaabwe ne gye babeera, b'ozaddemu abaana bokka.
- Abaana b'olina okuva ku mukulu ng'olaga amannya gaaabwe n'emyaka gyabwe.
- Ebyobugagga bwo ne gye biri
- Laga engabanya y'ebintu byo.
- Laga omusikaawo, amannya ge n'abamuzaala.
- Omukuza w'abaana naye mulage amannya ge gombi.
- Abaana n'abantu abalala basibirire entanda/obubaka obwokweyisa obulungi.
- Laga engeri gy'oyagala bakuyiseemu ng'ofudde oba by'oyagala bikolebwe singa oba ng'ofudde.
- Abakubanja ne bobanja obateekamu.
- Teekako amannya go n'omukono gwo.
- Laga abantu ababaddewo era bowadde ku kiraamo kyo.
- Ababaddewo/abajulizi bateekako omukono buli omu.
- Okugaba ebintu, ebintu bigabibwa mu kyenkanyi era buli muntu ateekwa okufuna era bwoba olina gw'otawadde laga ensonga. Ekyokulabirako Mubiru simuwadde kubanga yaganza mwanyina.
- Abaana abato bonna olina okubawa wadde wamuzaala bbali.
- Bwoba owandiise ekiraamo ekyokubiri, laga mu kiba ekimu nti, " Ekiraamo kino kimennyeewo byonna ebyabadde mu kiraamo ekyasooka".

**EKYOKULABIRAKO**

29/03/2020

**EKIRAAMO**

Nze Lubwama John Paul (39) mutabani wa Ssengendo Tonny e Kanoni mu Gomba, muzukulu wa Walusimbi George e Kabulasoke mu Gomba, era nga n'eddira Fumbe.

Nkola ekiraamo kyange kino nga ndi mulamu era ntegeera bulungi nga tewali ampaliriza. Nina omukyala omu era nga ye Namala Josephine abeera e Bweyogerer era nga ye maama w'abaana bange basatu abalenzi babiri n'omuwala omu Nalubwama Joan (16), Ntege Raymond (10) ne Lubwama Peter (08)

Ebintu byenina mulimu emmotoka eya kamunye eno ekola Taxi Bweyogerere-Kampala ennamba UAE 342K, ebibanja bibiri ng'ekimu kisangibwa Seeta nga kiweza eka nnamba era kuno kuliko olusuku, ekirala kiri Bweyogerere era nga muno mwe muli amaka gange era kiweza nakyo eka emu. Nina pikipiki bbiri era nga zino zikola bodaboda.

Engabana y'ebintu byange eri bweti;
Mukyala wange n'omwana omuwala mbawadde ekibanja eky'e Bweyogerere ne pikipiki emu nnamba UAK 250, abaana bange abalenzi bajja kutwala ekibanja eky'e Seeta wamu n'emmotoka nnamba UAE 342K. Epikipiki esigaddewo yabazadde bange nnamba UEB 534.
Nina ssente mu Centenary Banka Account nnamba 2730002765 eziwera obukdde kkumi. Zino zijja kuyamba ku kulabirira awaka. Sirina bbanja lyonna na muntu yenna wabula mwami Galabuzi Tom mubanja obukadde bwange buna era abuwanga mukyala wange zirabirire abaana.

Bwemba nga nfudde omusika wange ye mutabani wange Ntege Raymond ate omukuza w'abaana ye mwami Lubega Martin ow'e Nansana. Munziikanga ku biggya bya bajjajjange e Gomba, olumbe lwange temulwabizangawo ng'amuvudde e magombe era abaana bange mbasaba babeere besimbu era besigwa ate bettanire okusoma.
Nze Lubwama John Paul
Ekinkumu (signature)

Ekiraamo nkiwaddeko
Kasirye James ow'e Mukono
Katongole Emmanuel ow'e Kireka

Ababaddewo
Namakula Justine ekinkumu
Kakooza Simon ekinkumu

**OKUWANDIIKA EBITEESO**

Egiteeso by'ebintu ebyamakulu ebiba bikubaganyiziddwako ebirowoozo mu lukiiko era ne bikiriziganyizibwako. Omuwandiisi w'olukiiko yenna ateekeddwa okuwandiika ebiteeseddwa ate nabikuuma bulungi.

**Omugaso gw'okuwandiika ebiteeso**

- Okukuuma ebiteeseddwa mu buwandiike
- Biweebwako abalala abataali mu lukiiko ne bamanya ebyateesebwa
- Byeyambisibwa mu kujuliza singa wabawo ekitagenze bulungi

**Ebikulu ebigobererwa**

1. Omutwe: guno guba muwanvu ddala era gubeeramu bino wammanga
    - Ekika ky'olukiiko
    - Olunaku/ennaku z'omwezi kwelwatuulirako
    - Ekifo mwe lwatuula
    - Essaawa kwe lwatuulira

**Okugeza,**

**OLUKIIKO LW'EKIBIINA KY'OLULIMI OLUGANDA OLWATUULA NGA 30/03/2020 MU KISAAWE E NAMBOOLE KU SSAAWA NNYA.**

2. Ebiteeso/Agenda, luno lubeera lukalala lw'ebyo ebigenda okuteesebwako, **okugeza, Ebiteeso**
    - Essaala eggulawo
    - Okwogera kwa ssentebe
    - Ebivaamu
    - Okulonda abakulembeze abaggya
    - Ebirala
    - Essaala eggalawo

**Wetegereze:**

Agenda esinziira ku kika kya lukiiko

3. Laga abantu abaaliwo mu lukiiko, abataaliwo nga baawa okwetonda, n'abo abataaliwo naye nga tebaawa nsonga
4. Ebiteeso/ebiteeseddwako mu bujjuvu
   Wano tuwandiika ebyo byonna ebiteeseddwa naye nga tugoberera "Agenda" etuweereddwa era ng'ekisooka kye tusoosa. Wabula tubiwa obutwe obutono ne nnamba olwo ne tunyonnyola bulungi. **Okugeza**,

**EKIT 001: ESSAALA EGGULAWO**

Wano olambulula essaawa olukiiko ze lwaggulawo wamu ne yakulembera essaala

**EKIT 006: ESSALA EGGALAWO**

5. Ku nkomerero olekawo omuwandiisi ne ssentebe webaliteeka omukono nga bimaze okuyisibwa, **okugeza,**

| | |
|---|---|
| ……………………… | ………………………… |
| OMUWANDIISI | SSENTEBE |

**Wetegereze:**

- Ebiteeso biwandiikibwa mu kiseera ekyayita kuba mwebiba bigenda okusomebwa.
- Totekeddwa kussa mukono mu kifo kya muwandiisi wadde ssentebe okuggyako ng'ebiteeso bimaze okusomerwa olukiiko.
- Tulina kuwandiika ebyo ebyakiriziganyizibwako mpozzi n'amagezi agaweebwa ku bintu ebimu.

**Ebibuuzo by'okwegezaamu (Revision Questions)**

1. Wandiika omuko mu mawulire ng'ototola ensonga ezireetedde abaana be naku zino okusiiwuuka empisa.
2. Wandiika alipoota eraga ebyava mu kunonyereza ebiviirako abaana abawala okuva mu ssomero nga tebanamaliriza misomo gyabwe.
3. Kozesa ebigambo ebyo owandiike byonoyogera ku Laadiyo emu mu gwanga.
    - Emboozi giwe omutwe
    - Okuwuliriza eŋŋambo
    - Obutawaŋŋana kitiibwa
    - Obutatuukiriza buvunanyizibwa
    - Okwelaguzalaguza
    - Obwavu
    - Obwenzi
4. Wandiikira muzaddewo ebbaluwa ng'omubuulira engeri gyayinza okwewalamu ekirwadde kya kolona vayiraasi "corona virus" ekitamye ennaku zino.
5. Jjajjaawo akusabye omuyambeko mu kukola ekiraamo kye. Muyambeko mu kuwandiika ekiraamo kye.
6. Mukwano gwo afiiriddwako taata we, wandiika obubaka obumusaasira.
7. Obuliddwako emmotoka yo ku mwoleso e Lugogo. Wandiika ekirango ekinaafulumira ku C.B.S. ku nsonga eyo.
8. Wandiikira omukulu w'ekibuga Kampala ebbaluwa ng'omuwa ensonga eziwagira ekikolwa eky'okugoba abasuubuzi abatundira ebyamaguzi byabwe mu ppaaka za takisi n'enguudo z'ekibuga.
9. Weefuule omusasi w'olupapula lwa MUNNO, Owandiike eggulire ku mutwe guno:

    KYAYITIRIDDE E NAMUGONGO KU LW'ABAJULIZI.
10. Wandiika ekirango ekibika ekinaayita ku Laddiyo oluvanyuma lw'okufiirwa mwannyoko.

**Jjuza ebisoko ebituufu mu sentensi**

(i) Ababbi abatutigomya ekyalo Poliisi…………………… obwala.

(ii) Oyo…………….. teyesigamwa olaba anyaga ne Mukuluwe !

(iii) Okutubikira Mukozi munnaffe kyatumalako………………anti teyalwala.

(iv) Gwendikwata nganziba tujja kulya……………………………

(v) Okulagira Nassaza okuyomba kubeera kusindika munnya mu……………………….

(vi) Tunoonyezza ssente nobwoya ne butuggwa ku ………………………………

(vii) Omusajja oyo tasiba…………………………… anti buli Mukazi amukwana !

(viii) Obwavu bunuma era bwenfunayo………………………. sijja kumwerabira.

(ix) Abatemu bajja ne mundu ne bamumiza ……………………………………

(x) Ssente ya leero ya kwesiba……………..anti tesabika.

(xi)Okuva lwe baamubbako ekyapa kye ayita ……………………………tayambala ngoye.

(xii) Muwala we yamyuka ng'………………………………..buli omu amwewuunya.

(xiii) Leero ekyemisana tuli bakukirunga mu ……………………………………….

(xiv) Yamubuulirira naye ng'asiwa nsaano ku ……………………ng'omwana tawulira!

(xv) Mwana mulenzi oyo alya ng'eyasimattuka …………………………………..

(xvi) Yogera bulungi leka kwogerera mu nkwawa nga munywi wa …………………

(xvii) Paulo yeeyimbamu ogwa ……………………………..bw'atyo ne yeetuga.

(xviii) Ekyabadde e Mukono nga …………………………………kinegula.

(xix) Olwalaba omusomesa ng'akutte akaggo n'amalamu …………n'addukira ebweru.

(xx) Twabukeereza……………………………………………ne tugenda ewa ssenga.

(xxi) Paulo omusomo yagukuba …………………………mu mutwe n'adda e Buganda.

(xxii) Muwala we amwesiga ng'emmundu ……………………………….

(xxiii) Tawulira byamugamba wabula amukongooza ……………………era tamuliiko.

(xxiv) Ttiina yali tanywa ……………………………era nga tasaagirwako.

(xxv) Lumu yeetyabira akalimu ………………….bwe yakuba omusomesa we.

(xxvi) Omulwadde ali bubi era bamututte biwala ………………………………

(xxvii) Omubbi baamututte ne……………si mufungize anti nga gye bamukuba mizibu.

(xxviii) Weyaddira eka ng'akooye era ng'ensowera agigobya …………………………

(xxix) Nalule baamukutte …………………ng'abba enva.

(xxx) Essomero lyaffe liri kinnya na……………… era tutambuzaawo bigere.